## AFIIRIDDE MU KABENJE E BUGERERE

Gideone Kiggundu 19, ow'e Kisango mu muluka gw'e Bulyake mu Ggombolola y'e Kasangombe e Nakaseke, afiiridde mu Kabenje. Kigambibwa nti omugenzi abadde n'edduuka ly'ebizimbisibwa e Bugerere kw'abadde akolera nti be baamutumye okubaako by'atwalira kasitoma ku pikipiki. Omu ku batuuze, Kasumba Sekyanzi, yagambye nti Kiggundu yabadde avuga ne yeekanga abaana b'essomero nti bwe yatagadde n'agwa, mmotoka n'emulinnya e Kayunga. Yaziikiddwa e Kisango.